Bya MARGRET ZALWANGO

# EYASSE ABAANA E GGABA: Enteekateeka okuwozesa omutemu mu kifo we yattidde abaana ziwedde

ESSIGA eddamuzi limalirizza enteekateeka z'okuwozesa mu lujjudde omutemu eyatirimbudde abaana 4 e Ggaba.

Guno gwe gugenda okuba omulundi ogusookedde ddala mu byafaayo za kkooti za Uganda (ezitali z'amagye) okuwozesa omuwawaabirwa mu kifo w'addizza omusango.

Kino kyasaliddwaawo Pulezidenti Museveni eyalagidde omutemu Christopher Okello Onyum, 39 awozesebwe awo wennyini we yakoledde ekikolobero kye. Akulira abalamuzi Jane Frances Abodo yagambye nti bakoze enteekateeka Okello awozesebwe mu lujjudde wansi ku kyalo gye yatemulidde abaana.

Ensonda mu kitongole ekiramuzi zaategeezezza nti enteekateeka zikoleddwa okusobozesa omulamuzi wa Kkooti Enkulu anaakwasibwa omusango okutuula mu kifo ewaabadde ettemu era embeera yonna nga bw'eba mu kkooti omuli n'ebyokwerinda ebiri ggulugulu bigenda kussibwa e Ggaba, omusango gugende mu maaso ng'abantu balaba bulungi ebigenda mu maaso.

Omwezi oguwedde ekitongole ekiramuzi kyatongozza enkola ya kkooti okutuula wabweru mu lujja olwo omusango ne gutandika okuwulirwa. Enkola eno abadde emanyiddwa mu kkooti z'amagye, kyokka kati ne kkooti za bulijjo zigenda kugitandika.

Omwogezi w'ekitongole ekiramuzi, Ereemye Mawanda yagambye nti baamalirizza enteekateeka z'okuwozesa Okello mu lujjudde nga kkooti ejja kutuula Ggaba gye yaddizza emisango.

Ebyavudde mu kunoonyereza ku Okello byalaze nti talina kikyamu ku mutwe era ategeera bulungi. Abadde mu maaso g'omulamuzi akulira kkooti y'e Makindye, Sarah



Okello (wakati) ng'ali mu kkooti e Makindye.

Basemera n'asomerwa mu bufunze obujulizi oludda oluwaabi bwe lusuubira okwesigamako nga bwe bwayanjuddwa omuwaabi wa Gavumenti, Jonathan Muwaganya.

Bambega baazudde nga Okello munnansi wa America alina ebbaluwa okuva mu kitongole kya Interpol ekiraga nti yeeyisa bulungi era talina kikyamu ku mutwe kuba by'ayogera bikwatagana bulungi wabula yeenyigira mu bikolwa by'okweraguza ng'ayagala okufuna obugagga era kigambibwa kwe yasinzidde okutemaatema abaana bano agaggawale.

Obujulizi obulala kuliko ebbaluwa z'abasawo okuva mu ggwanika e Mulago eziraga nti Okello ng'akozesa ebiso, yasogga abaana bano buli omu mu bulago ku ludda lwa kkono n'abasala n'emimiro nga baafa olw'ebisago bye baafuna.

Obujulizi bulambika nti Okello abadde ayingira n'okufuluma eggwanga enfunda eziwera ng'ayita ku nsalo e Busia, ng'alina ssente mu banka z'atambuliza ku ssimu ye era yakozesa enkola eyo okufuna ssente ze yasasula ku ssomero lya Ggaba Early Childhood Development Center nga yeerimbise mu kusabirayo omwana we ekifo.

Oludda oluwaabi era lugenda kwesigama ku bifaananyi bya kkamera z'oku nguudo bye zaakwata ebiraga entambula ya Okello ku lunaku olwaddirira lwe yakola ettemu ne lwe yakola ettemu eryo nga April 2, 2026 n'atta; Eteku Gideon, Ongwenworth Keisha, Ignatius Sseruyange ne Ryan Odeke.

Ono kkamera zaalaga nga yapangisa boda gye yavuga ku lunaku lwe yalawuna essomero ne lwe yakola ettemu. Omulamuzi Basemera yamutegeezezza nti baakumuyita ekiseera kyonna mu Kkooti Enkulu okuwulira obujulizi kutandike.